# Okello yalambula amasomero agawera nga tannalumba Ggaba

## Yasooka kusoma ku batujju ba ISIS abatemako abantu emitwe

Bya MARGARET ZALWANGO NE BENJAMIN SSEMWANGA

CHRISTOPHER Okello avunaanibwa okutta abaana e Ggaba yasooka kulambula nnasale eziwerako ng'ayagala na kufuna mmundu.

Ng'oggyeeko ekyo, Okello nga yeetegekera okutta abaana, yamala obudde bungi mu mikutu gya yintaneeti ng'asoma ku batemu b'omu Buwarabu; ab'ekibinja ekya Islamic State of Iraq and Syria (ISIS) n'olaba engeri gy'asobola okufunamu emmundu. Bino byaleeteddwa ofiisa wa poliisi omukugu mu kwekebejja ebyuma bya tekinologiya nga amasimu ne kompyuta n'azuula ebirimu n'engeri gye bikolamu.

SP Kenneth Henry Angulu (34) yabuulidde kkooti bye yazuula bwe yeekebejja essimu ne laptop za Okello okuggyamu obubaka okuyamba abaali baṅoonyereza.

Angulu obujulizi yabwanjudde mu kkooti y'omulamuzi Alice Komuhangi Khaukha ng'alung'amizibwa Jonathan Muwaganya me Anna Kiiza ku lw'oludda oluwaabi ate Okello awolerezebwa Richard Kumbuga ne Sarah Awelo.

**Muwaganya:** Angulu buulira kkooti by'okola.

**Angulu:** Ndi muserikale wa poliisi nkola Digital Forensics wansi wa Cyber Crimes Department mu beekenneenya ebyekikugu n'ebinkumu nga nkoleddeyo emyaka 9. Buli lwe wabaawo okunoonyereza okuva ku poliisi kussibwa ku bbaluwa ya poliisi oba akulira okunoonyereza ku poliisi n'ekiragiro kya kkooti.

**Muwaganya:** Mulina ekirala kye muba mwetaaga?

**Angulu:** Twetaaga n'ebbaluwa ekkiriza okuva eri nnannyini kintu ekigenda okwekenneenyezebwa. Bwe twafuna kuliko ebbaluwa esooka eriko April 7, 2026 okuva ku CID e Kabalagala. Endala eriko April 12, 2026 era okuva ewa CID Kabalagala. Eriko kkopi z'olukusa lwa kkooti ezaakolebwa nga April 7, 2026 okuva mu kkooti e Makindye. Ebbaluwa okuva mu Trip Car Rental n'essibwako omukono gwa Hashim Juma.

**Omulamuzi:** Ebiwandiiko ebyo mu lipooti biteereddwa mu kkooti nga ebiziti.

**Muwaganya:** Wayogedde ku kiragiro kya kkooti. Tubuulire kyali kigamba ki?

**Angulu:** kyali kyogera ku bizibiti bisatu okuli laptop 2, essimu 3 eza 'smart', flash disk 3. Ebyo byaleetebwa okwebejjebwa ku PF17A. Okusaba kwali kundagira okufuna ebyali bikolebwa mu nnaku ezitali z'ewala ku byuma ebyo, okuggyako emboozi, amasimu agaakubwa n'okukebera engeri ssente gye zaatambulamu ku bizibiti ebyo, okwekenneenya okupangisa mmotoka ku biziti ebyo. Ebizibiti kwaliko iPhone ng'erimu ennamba ya America n'essimu endala erimu +25676952620 wakati wa 12 ne 30 March 2026.

**Muwaganya:** Buulira kkooti bye wazuula ng'omaze okwekenneenya?

**Angulu:** Essimu Samsung Galaxy A16 yalina akawunti ya Google ***"christopheronyum552@gmail.com"*** era bwe nneekenneenya amasimu agasembayo okumukubirwa gaaliwo nga October 30, 2025 ng'akubira (5713265927). Era nneekebejja essimu ekika kya Motorola model G5g-2024 nga yalina akawunti ya Google ***chritopheroyum@gmail.com***.

Yalina WhatsApp ng'eri ku nnamba +15713282409 ng'ekozeseddwa okuva March 28, 2026 okuva ku ssaawa 10:59 ez'olweggulo. Yali ayogera ne nnamba endala ku WhatsApp business account emanyiddwa nga Trip Car Rental. Emboozi wakati w'essimu ezo yaggyibwamu. Yalimu okweweereeza ekifo aw'okusisinkana nga Okello asindikira Trip Car Rental.

Okello era yalina ebitabo by'asoma ku mutimbagano okuli; ***'Heart of war the oldest city in the world'***. Waliwo n'ebbaluwa eriko Olive Ssebayiga Onyum ng'awandiikira minisitule y'ensonga z'omunda ng'asindika Christopher Okello Onyum mu November 5, 2025.

Ekizibiti ekirala ye ssimu ekika Villaon model V40 ng'erimu layini 256769583620 eya MTN. Essimu yali ekubye n'ayogerera sikonda 38 era yali akubiddeko ennamba ya poliisi ya Uganda esaba obuyambi ku mutendera gw'ensi yonna eya 112. Essimu eno era yali atambuzza ssente 388,000/- ng'esindikira +256743143706 eya Juma Hashim era byaliwo nga March 31, 2026 ku ssaawa 2:00 ez'akawungeezi. Ono era yaweereza +256772966956 ku Annet Adong nga April 2, 2026 ku ssaawa 5:11 ez'okumakya.

Okwekebejja okulala era kwalaga bye yali anoonyezzaako mu ssimu ye ng'ayanoonya ekifo kya Church Close Ggaba, ng'anoonya awaali Ggaba Community Church. Bwe yakuba ennanba ya 112, yaweerezebwa ebyuma ne bigizza ku mirongooti gya Uganda obubaka bwe ne butuuka.

Essimu ya iPhone 12 Pro Max era yalina WhatsApp business ku nnamba +256 743143706 ng'erina bizinensi bagiyita Trio Car Rental Uganda. Essimu yayogera ne WhatsApp +15713282409 okuva nga March 12, 2026 okutuusa nga April 2, 2026.

**Muwaganya:** Nnannyini ssimu eyo yatubuulira bye baanyumya. Kiki ekirala ky'olina awo?

**Angulu:** Ekizibiti ky'essimu Motorola era twazuula nga yakozesebwanga okwebuuza ku bigambo ebimu okuli; obusomero bw'abaana, awaakumirwa abaana ne nnassale okumanya akali okumpi n'okunoonya maapu, n'abuuza ne ku ssomero lya Kyanja Junior School, Matugga Pre - School, Lam Kindergarten and Daycare Center Matugga, Mum's Love Kindergarten Ssemuto Road, Edibetec Kiti Matugga, Golden Infant Kindergarten Matugga, n'amalala. Yanoonyereza ku ngeri y'okufuna layisinsi y'emmundu mu Uganda, ISIS beheading n'ebirala.

**Muwaganya:** Ebiziti ebyo obirina?

**Angulu:** Byonna mbirina wano (abiraga kkooti). Twafuna okusaba okulala okuva ewa CID Kabalagala okuddamu okwekebejja ebizibiti ebyo bye mpadde kkooti. Bansaba nzigyemu obubaka obwali mu bintu ebyo, nabikebera era oluvannyuma nakola lipooti.

Kompyuta yalimu tekinologiya eyassibwamu mu December wa 2019 ng'ayitibwa Cyber Space ng'era yali teggyibwako okutuusa ku March 28, 2026.

Nazuulamu akawunti ya email, ***conyum@panerabread.com***. Email eyo yakozesebwa okufuna obubaka okuva ku mutimbagano ; ***http://iso3@panerabread.com/authenticationendpoint/login.bo***, endala kwaliko ***login.microsoftonline.com***. Endala kwaliko ***iportal.panerabread.com*** era emikutu Gino gisobozesa akozesa okumutu omukulu okufuna obuweereza. Ekirala nazuula nti laptop yakozesebwa ku mikutu emirala okuli ***pantry.panerabread.com/logout/success*** nga gwasemba okosebewa nga December 31, 2025 ku ssaawa 10:00 ez'olweggulo. Nga nkozesa kye bayita ***'Open source intelligence gathering techniques'*** erinnya ekkulu eryali likozesebwa erya ***Panerabread.com*** mukutu gwa kkampuni ya America eyitibwa Panera Bread NNC era y'emu ku bbeekeri ezikola mu America nga batunda ebyokukya eby'enjawulo naddala ebikolebwa mu ng'ano (baked foods).

**Muwaganya:** Waliwo ekirala?

**Angulu:** Ebyo nabyo nabyekebejja okulaba engeri gye bazituukako okuzokozesa. Era abakozi ba Panera bread baakozesanga omukutu ogwo okufuna ebifa mu kkampuni.

**Muwaganya:** Omujulizi mmumaze. Oludda oluwaabi lubuuze.

**Kumbuga:** Angulu osobola okugyako obubaka bw'amaloboozi?

**Angulu:** Mbusobola.

**Kumbuga:** Wagambye obubaka obwayogerwa ku layini za poliisi, olina amaloboozi nga Okello akuba ssimu eyo?

**Angulu:** Nedda nnina biraga nti yakubako.

**Kumbuga:** Kituufu ne mu mbeera za bulijjo essimu za poliisi tolina byogerwako mu buwandiike?

**Angulu:** Ky'oyogera sikitegedde.

**Omulamuzi:** Agambye asobola kulaba baakubako.

**Kumbuga:** Omuntu okubeera ne akawunti ya Google si musango?

**Angulu:** Yeee

**Kumbuga:** Era omuntu asobola okubaako b'abuuza?

**Angulu:** Yeee

**Kumbuga:** Wagambye yanoonyereza ku kindergarten 20?

**Angulu:** Yeeee

**Kumbuga:** Naye byali bya 2024. Tunuulira lipooti yo.


**Anguli:** Ngirabye

**Kumbuga:** Ng'ate ettemu lyaliwo April 2026.


**Angulu:** Omwaka 2024, essimu ya Motorola mwe yakolerwa era eraga ebigikwatako.

**Kumbuga:** Wayogedde ku ISIS gye yanoonyaako? Waliwo omusango omuntu okusoma ku kintu ky'ayagadde?

**Angulu:** Eyo nsonga si nnyangu kunnyonnyola.



Muwaganya (ku ddyo) ng'aliko by'alaga Aggrey Mpamizo omuserikale anoonyereza ku misango. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.



Okello

## Basoose mu ssaala mu kkooti

Bya MARGARET ZALWANGO

KKOOTI ewozesa Christopher Okello agambibwa nti yatta abaana e Ggaba, eggulo ku Lwokuna yasoose kumpi kufuuka kkanisa ng'omulamuzi ali mu mitambo gy'omusango n'abakozi b'ekitongole ekiramuzi ssaako abantu abalala abaabaddewo nga basimbudde essaala 'mukutulanjegere'.

Essaala eno 'mukutulanjegere' yakulembeddwaamu munnamateeka Richard Kumbuga awolereza Okello nga bakira asabira mu ddoboozi ery'omwanguka ng'eno abantu bwe baddamu 'Amiina' wakati mu kuwanika emikono mu bbanga okufuumuula sitaani yenna ayinza okuba nga yaabadde yeekise mu kkubo ly'obwenkanya.

Bakira abasaba buli omu alajaanira Mukama okutaasa embeera. Essaala yasomeddwa wakati mu nnamutikwa w'enkuba mu kiseera ng'omulamuzi Alice Komuhangi Khaukha owa Kkooti Enkulu tannayingira kkooti.

Bino we bijjidde nga ku Lwokusatu ekire ky'enkuba eky'amaanyi kyafukumuse nga kirimu ne kibuyaga ow'amaanyi ne kisitula ttenti omwabadde omulamuzi sso ne gye buvuddeko, mmotoka eyaleeta omusibe yamulemerera n'erinnya munnamawulire.